Jowa's Engero Ensonge / Luganda Proverbs

Here you find Luganda Proverbs and more....

- GW'OYIGIRIZA OKWESA
- GW'OTOZINANGA NAYE
- GWE BAAYOGEDDEKO KAMBE KAWAASE
- GA LULEEBA
- ENTAMU BW'EYATIKIRA
- ENKERETTANYI
- EKINAAKULYAKO AMENVU
- LUGO LUGENYI
- "LUBAALE YAMBIKKAKO AKASUBI"
- LUBAALE MALIBA
- BYE BAMUGAMBA BY'ATAWONGA
- BW'OVA KU BYANGE
- KY'OFA TOGABYE
- KUBENNANYA
- KIRYOKYA EMBI
- KATONO KEEWAZA
- KASENNYANKU
- EYALI AFUDDE BW'OLEMALA
- ESSANYU LYE LYA MULALU
- ENNUNGU
- EBIDDAWO TEBYENKANANKANA
- BALUBUULIZA MBAZZI
- ASIIKA OBULAMU
- AMAANYI GA NABUGI
- SSEBUWUFU BWA NGO
- OBUKAAJUMBE
- EMPERA TEKWATA MAGULLU
- AYOGERA KAATI
- AFUUYE ENG'OMBE

GW'OYIGIRIZA OKWESA

..., AKUGOBYA NKAAGA.

Nkaaga z'empiki 16 ezaalika we zivudde. Omuntu azigobesa aba amanyl nnyo okwesa. Olugero lutulabula obutannyoomanga bantu be tuyigiriza ebintu kubanga

 © 2017 Jo&Ha

bayinza okubiyiga ne babitusinza.

GW'OTOZINANGA NAYE

..., BW'ASITUKA OKUZINA NGA GGWE OTUULA.

Omuntu ng'oyo ayinza okuzina ng'abuuka n'akulinnya. Olugero lutulabula obuteemanyizanga nnyo bantu be tutamanyi bulungi.

GWE BAAYOGEDDEKO KAMBE KAWAASE

..., TEKAGGWAAKO MASANDA.

Omuntu bwe bamala okumwogerako obubi, erinnya lye liba terikyayinza kulongookera ddala ne liddawo nga bwe lyali nga tebannamwogerako.

GA LULEEBA

..., GANYWEBWA WA MWOYO.

Amazzi g'oku luleeba ennyonyi zigazannyiramu era gagwamu ebibi bingi, kye gava gatanyweka, okggyako omuntu ow'omwoyo omugumu.

ENTAMU BW'EYATIKIRA

... OMUGOVO TEYOMBYA.

Entamu bw'eyatika nga bagigoyeramu lumonde n'ebijanjaalo, eba eyatikidde ku mulimu gwayo; kyeva teyombya. Ekintu ekirala nakyo bwe kyonoonekera ku mulimu gwakyo tekisaana kuyombya bantu.

ENKERETTANYI

..., BW'OGITEGA AMENVU ERYA BIBOMBO.

Enkumbi gye bayita enkerettanyi mu lugero luno. Bwa bagisuula mu bisegguusi ng'eriyo amenvu tegakombako naye bwe bagitwala ku muddo n'olaba bw'eguvaabira. Omuntu omukujjukujju naye bamuyita nkerettanyi kubanga alaba mangu emitego gy'abalabe be n'agyebalama.

 © 2017 Jo&Ha

EKINAAKULYAKO AMENVU

..., KIJJIRA MU KUSUSA.

Abantu abamu abagenda okususira ku bannaabwe amenvu bagalyako n'okugalya. Waliwo abantu bangi a abanyaga oba ababba eblntu oba ensimbi za bannaabwe, nga bayita mu kubalimba nti bagenda kubayamba.

LUGO LUGENYI

..., TERUMANYA MBUZI MPONGE.

Engo eng'enyl ku kyalo temanya bisolo byakwo ebyawongerwa lubaale. Bw'ebisanga ebirya buli. N'abantu abamu bwe bagenda gye batamanyiddwa beeyisa bubi.

"LUBAALE YAMBIKKAKO AKASUBI"

..., NGA NE WE YEEKWEKA WAALI WAGUMU.

Olugero luna lutulabula okwerwanangako naffe fennyini nga tubaddeko kye tusaba Katonda.

LUBAALE MALIBA

..., BULI AFULUMA ALYAMBALA BUBWE.

Balubaale bonna abantu tebabasamirira mu ngeri emu. Ne Katonda abantu bonna tebamutegeera mu ngeri emu era tebamusinza bumu.

BYE BAMUGAMBA BY'ATAWONGA

... , NTI "LUBAALE ANZITA".

Omuntu bw'agaana okukola ebimugambibwa tasaana kwemulugunya ng'atuukiddwako obuzibu.

BW'OVA KU BYANGE

... NG'OGENDA KU WA NGATTO.

 © 2017 Jo&Ha

Emmandwa ya Muwanga y'eraguza engatto. Omuntu gwe bagamba ebintu nga takkiriza gwe bagamba okugenda ku mmandwa eraguza engatto emumatize.

KY'OFA TOGABYE

..., WALUMBE Y'AKIGABA.

Omuntu bw'affa nga talaamye, ebintu bye babigabira mu kwabya lumbe lwe.

KUBENNANYA

... NG'OLUTTA OW'ETTULU.

Okubennanya ky'ekintu ekyangu ennyo. Olumbe olufuula omuntu muzibe bwe lusanga ow'ettulu, luba lusigazza kuziba limu lyokka, anti ng'eddala lyafa dda.

KIRYOKYA EMBI

..., KYE KIRYOKYA N'ENNUNGI.

Mu lugero luno, ekigambo 'kwokya' kitegeeza 'kutta'. Amakulu g'olugero ge gana nti olumbe olutta abawejjere lwe lutta n'ab'ekitiibwa.

KATONO KEEWAZA

... KAKIRA EDDENE EDDWADDE.

Omuntu bw'aba omutono nga mulamu asinga omunene omulwadde.

KASENNYANKU

..., Z'ATYABA ZE ZIMWOKYA.

Ekiwuka ekyo kiba n'obuti obukalu ku mabega. Omuliro bwe gukwata obuti obwo nga nakyo gukyokya. Waliwo abantu bangi abakola ebintu ne bibaviiramu olumbe oba okufa songa ebyo si bye baagenderera mu ku bikola.

 © 2017 Jo&Ha

EYALI AFUDDE BW'OLEMALA

..., NTI "KATONDA YANKOLERA!"

Omuntu bw'awona obulwadde obw'amaanyi oba ekintu eky'engeri endala, n'alemala, tasaana kunyiigira Katonda nti yakola bubi okumulemaza. Asaana amwebaze olw'okumuwonya okufa.

ESSANYU LYE LYA MULALU

..., BAMUBAJJIRA ENVUBA NG'AZINA.

Envuba gwe muti gwe bassangamu okugulu kw'omulalu aleme kugenda buli wantu. Envuba yalumyanga nnyo okugulu naye omulalu ng'ebyo tabiwulira. Omuntu asanyukira by'atasaanidde kusanyukira y'ayogerwako bw'atyo.

ENNUNGU

... ENKALIRIZE EKISA TEWONA.

Ennungu y'ensalika oba ebbwa wansi w'ekigere. Edda okuwonya ennungu baagikaliriranga ku muliro, omulwadde n'awulira obulumi bungi obw'omuliro. Okuggya mu bantu emize eminene oluusi kyetaagibwa okubabonereza ennyo awatali kubasaasira.

EBIDDAWO TEBYENKANANKANA

..., ENKAAJUMBE TEMALA NJU.

Essubi eriserekululwa ku nju enkadde ye nkaajumbe. Eryo teriyinza kumala nju mpya egyenkana obunene. N'omusika tatera kwenkana mu byonna nyo gw'aba asikidde.

BALUBUULIZA MBAZZI

..., NGA LULI KU MUDDO LUGAAYA.

Bwe baba babuuza embazzi ey'okutta ensolo enfuge, nga yo eri ku muddo erya. N'omuntu bw'atyo, okufa era n'ebibi ebirala emirundi mingi bimutuukako nga tamanyi.

 © 2017 Jo&Ha

ASIIKA OBULAMU

..., TASSA MUKONO.

Okukuuma obulamu ab'edda baakugeraageranya n'okusiika ebintu, ng'entungo, omuwemba, n'ebirala. Omuntu bw'aba asiika ebintu ebyo tawummuza mukono, bw'aguwummuza nga bisiriira. Obulamu bwaffe nabwo tusaana okubulabirira buli kiseera, tuleme kubwonoona lwa bugayaavu.

AMAANYI GA NABUGI

..., GAMUKUBYA AKYALI MUTO.
Nabugi gwe gumu ku mituba egivaamu embugo ennungi ennyo, naye bwe gukula tegukomagika, kye bava bagukomaga nga gukyali muto. Abantu abeemanya eryanyi ne bajooga buli muntu batera okuttibwa nga bato.

SSEBUWUFU BWA NGO

..., TEBUYITIBWAMU MBWA.

Embwa teyinza kugenda ng'erondoola engo mw'eyise kubanga egitya. N'omuntu omuzira oba omukambwe bw'atyo bw'atiibwa.

OBUKAAJUMBE

..., ANAABUSEREKA AKEERA.

Essubi ekkade erisereka bwe bukaajumbe. Tebuserekeka; anaabusereka ky'ava asaana okubukeererako. Ebintu ebizibu byetaaga kukola ng'obudde bukyali buweweevu.

EMPERA TEKWATA MAGULLU

..., EKWATA KAMWA.

Omuntu okulayira nti tagenda kutya tekimugaana kudduka ng'obulwa bukuze.

AYOGERA KAATI

..., NG'OMUYIZZI AMAZE OKUTEGA.

 © 2017 Jo&Ha

Abayizzi bwe bamala okutega ne lwogooma ku kizigo, nga baagala ensolo eddukeko egwe mu bitimba. Olwo baba bogeera nga tebalina kye batya.

AFUUYE ENG'OMBE

..., NGA TALAGAANYE NA BAYZZI.

Bw'ofuuwa eng'ombe nga tolagaanye na bayizzi, bayinza obutajja. Ebintu byonna ebyetaaga abantu abangi, byetaaga kumala kulagaana nabo.

If you know other proverbs, feel free to send it to me and I will publish them here.

 © 2017 Jo&Ha